
JOSEPH MUTEBI

# Ab'e Lira balaze Museveni laavu



Ab'e Lira nga bayaayaana okutuuka ku Pulezidenti Museveni (ali mu mmotoka). (Kozesa Vision Digital Experience App, olabe vidiyo.

Bya JOSEPH MUTEBI

PULEZIDENTI Museveni asuubizza abatuuze b'omu konsitituwensi y'e Erute South ne North okubawa disitulikiti eyeetongodde ng'esalibwa ku Lira.

"Sitera kuwagira bya kukutulamu disitulikiti naye eya Erute nkiwagidde era mu kisanja ekijja egenda kufuuka disitulikiti eyeetongodde," Museveni bwe yategeezezza.

Yabyogeredde mu kisaawe kya Golf Course mu kibuga Lira ku Lwokuna gye yabadde agenze okunoonya akalulu.

Mu ngeri y'emu, yasuubizza okuzimbira aba Lira City eddwaaliro eddene erya disitulikiti kubanga lye balina lyasigala mu disitulikiti ya Lira.

Ku ky'ebisaawe by'emizannyo nga Akibua ezimbibwa kati, Museveni yagambye NRM yajja mu buyinza mu 1986, yasanga fayiro ng'eraga nti gavumenti ya China yali yatuwa ekirabo eky'okutuzimbira ekisaawe ky'e Namboole Stadium mu 1920, naye olw'okuba tewaali mirembe tekyasoboka n'agamba nti kati Gavumenti ezimba ekya Akibua, n'ekya Hoima City.

Yagasseeko ebirala ebituukiddwaako Gavumenti ya NRM omuli amabibiro g'amasannyalaze erya Karuma, Kiyira Dam, Isimba n'obutono, era Gavumenti yaakuzimba amabibiro amalala okuli; Ayago, Kiba, Olyanga nga lisangibwa mu bitundu bya Lango.

Museveni yagambye nti ssente z'okuliyirira abantu abaafiirwa ebyabwe mu lutalo lwa Joseph Kony ab'omu bitundu bya Teso, Lango ne Acholi, weeziri ku akawunti ya Katikkiro wa Uganda era essaawa yonna ng'okulonda kuwedde, waakudda mu bitundu bino bakkaanye ku ani alina okuzifunako.

**ABASUUBIZZA ENGUUDO**

Yasuubizza okubazimbira enguudo eziri mu kibuga Lira ne disitulikiti ya Lira, eddwaaliro lya Amuru gattako bbaasi ya bannabyamizannyo mu Lira.

Ssentebe wa NRM mu disitulikiti y'e Lira, Linda Agnes Auma era omubaka omukyala owa disitulikiti y'e Lira yagambye nti balina amagombolola 9 nga ku mulundi oguwedde baamuwa obululu ebitundu 60.9 ku 100 wabula ku mulundi guno asuubire 99 ku 100.

Ku ky'amasomero, Auma yagambye nti mu Lira balina essomero limu erya siniya erituuka ku S.6 era kino kiremesa abaana okufuna omukisa okutuuka ku yunivasite.

Ssentebe wa NRM mu kibuga Lira, Dr. Jane Achen yasiimye Pulezidenti okubazimbira enguudo mu kibuga kyabwe eziwezaako kiromita 35 ssaako yunivasite. Omumyuka wa ssentebe wa NRM mu mambuka, Denis Obua yagambye nti Pulezidenti Museveni ku mulundi guno lw'agenda okusinga okufuna akalulu mu disitulikiti z'e Lango kubanga abakoledde ekimala.

Sipiika wa Palamenti era omumyuka wa ssentebe wa NRM mu ggwanga yagambye nti Gavumenti ya NRM ebazimbidde enguudo eziwera okuli olwa Lira, Kole okutuuka e Gulu olugenda okutambuza abazannyi b'omupiira mu kikopi kya AFCON. Endala kuliko olwa Soroti, Lira okutuuka Apach, olwa Lira okutuuka Otuke nalwo lukolebwako.

bwabwe okutondawo enkyukakyuka mu bulamu bw'abayizi ba yunivasite.

Mu nsisinkano eno mwabaddemu aba yunivasite okuli owa Makerere, Gulu, UCU Mukono, Kyambogo, Rubirizi Institute, Ankole University, MUBS, Medcare Health Professionals n'abalala.